

ENGERI Y'OKUYAMBA OMWANA WO ALINA OBULEMU OBUVA KU BWONGO



Ebikwata ku bulemu obuva ku bwongo

Okunyonyola: Obwongo bufuna obuvune nekivako obulemu. Obulemu Buno bukosa entuula, entambula, enyimirira, okwogera oba empuliziganya, endya, buleta okwesika, bukosa okuyiga wamu ne neyisa.

- Olusi obulemu buno bukosa oludda lumu olw'omubiri.
- Ebiseera ebisinga, tetumanya kireta bulemu buno.
- Obulemu buno tebuva ku ddogo oba kikolimo.
- Obulemu buno tebuwona.
 - Kikulu nnyo okukiriza embeera eno era oyambe omwana wo. okula nayo. Ymba omwana wo okula nga yesobola nga bwe. kisoboka
- Obulemu buno tebukwata.

Ekuuuzo:


Lwaki omwana alina obulemu obuva ku bwongo afuna obuzibu mu kussa?
(Eky'okuddamu = kiva ku ntula oba enyimirira y'omwana)

Lwaki abaana abalina obulemu obuva ku bwongo bakonziba?


(Eky'okuddamu = bafuna obuzibu mu kulya n'okunywa)

Ebikwata ku bulemu obuva ku bwongo

Entambula



Entula



Okuyiga

Okwesika



Okulya/okunywa



Empuliziganya



Eneyisa

Okutegeera amangu obulemu obuva ku bwongo

Abaana abawere babera n'obumu ku bubonero buno:


- Okukakanyaala
 - Mu bifo ebimu, nga okwebaka ku mugongo, kiba kizibu
Okuweta omubiri gw'omwana, okumwambaza oba okumulera.
 - Omwana wo kimuberera kizibu okubeera mu bifo ebimu, nga okwebakira
ku mugongo.
- Okulebera
 - Omutwe gw'omwana wo gulebera era tasobola kusitula. Emikono
Na magulu nga gitunudde wani bwomusitula mu banga. Omwana
yekyusa kitono.
- Omwana akula mpolo
 - Okuyiga okusitula omutwe n'okutuula kitwala ebbanga ddene,
era omwana ayinza obutafayo kubitundu ebimu eby'omubiri.
- Okulya kuzibu
 - Okuyonka n'okubira bizibu. Omwana wo bwomuwa emere oba
Amata abizza. Omwana tasobola kubunira.
- Eneyisa ettali ya bulijjo
 - Omwana akaba nnyo, ababika nti talina mirembe era yabakka
bubi. Ayinza okuba musirifu ennyo era nga yebaka nnyo.

Ekibuuzo:

**Embeera bweziti wali
ozilabyeko?**

Okutegeera amangu obulemu obuva ku bwongo


Okukakanyaala



Okulebera



Omwana akula mpola



Okulya kuzibu



Obuyambi obusokerwako

- Tolwawo kufunira mwana wo buyambi.
- Omwana wo mufunire obujanjabu amangu ddala nga bwejisoboka.
- Twala omwana wo akeberebwé ku ddwaliro elikuli okumpi.
- Buliriza ebifo wa abaana abaliko obulemu we bayambibwa ova we bajanjabirwa.
- Buliriza amanye awali abantu abatendekebwá mu kuyamba abaana Abalina obulemu.
- Obujanjabu bubera waka, so si mu ddwaliro.
- Abazadde nabalabirira omwana basobola okuyiga engeri yo Kulabiriramu abaana abalina obulemu obuva kubwongo awaka.

Ekibuuzo:

Olina ebifo ova amalwaliro gomanyi mu disitulikiti yo awayambirwa abaana balina obulemu)?

Omanyi abantu abatendekebwá okuyamba abaana abalina obulemu gyebakola (nga batendeka okuzesa omubiri, abasomesa, abayamba mu kw'ogera)?

Obuyambi obusokerwako

Okugenda mu ddwaliro



Endabirira awaka




Empuliziganya

- Tunulila, yogera mu kwateko era muyimbire
- Bulira omwanawo ekyo kyokola
- Omwana wo muwe eby'okulondako:
 - Yee/nedda, kozesa obubonero, songa, kozesa olubawo , sseka.
- Kozesa ebigambo no'bubonero obwangu.
- Omwana muwe obudde okudda.
- Tokakka mwana kwogera.

Ekibuuzo:

Wa ngeri ezenjawulo
ez'empuliziganya?
(Ebyokuddamu:
okwogera, okwata,
gestures, okukopa ebiri mu
maso wamu nobubonero
bw'omubiri.)

Empuliziganya



Okulya

- Ekifo mwoteka omwana:
 - Omwana mulere busimba
 - Omwana mutunuze gyoli
 - Omutwe gutereze kyenkanyi
 - Wanirira oluba.
- IOmwana mutandise ku mmere ey'enjawulo
 - Abaana abalina obuzibu mu kumira betaaga emmere engumu
 - Wa akatole ke mmere katogo naye nga kalimu ebirisa byonna
- Omwana muyigirize okwerisa.

Ekibuuzo:

Lwaki tuwanirira oluba nga
tuliisa omwana aliko obulemu
obuva ku bwongo?

Osobola okuwa emmere mu
bika ebyenjawulo?

Okulya


Nedda



Yee




A



B



C



Ekifo omw'okuteka omwana

- Engeri ey'okusitula omwana wo
 - Omwana musitule mu busimba
 - Funya ebunwe n'amavivi.
- Engeri y'okuyamba omwana okugalamira
- Mwebase ku lubuto:
 - Wansi tekayo ekintu nga akatto oba omuzingo
- Bwoba omwebasiza ku ludda:
 - Emikono giteke mu maso.
 - Funya ebunwe wamu namavivi.
- Mu kutuula
- Nga okozesa entebbe eyenjawulo:
 - Ebigere biteke kutaka oba wansi.
 - Ebitundu by'omubiri byesigamye entebbe.

Ekibuuzo:

**Lwaki ekifo omutekwa
omwana kikuku nnyo eri
baan abaliko obulemu obuva
ku bwongo?**

**(Eby'okuddamu:
Okuziyiza okukakanyala,
Okusobozesa omwana okola
emirimu, empuliziganya
wamu n'okulya.)**

Okusitula omwana

Ensitula y'omwana



Engalamira



Enebaka



Okutuula mu entebbe






Okuyimirira wamu n'okutambula

- Abaana betaaga okukwata ku kintu okusobola okutambula oba okuyimirira.
- Bakwate ku ntebbe oba emeza.
- Simba enkondo bbiri ez'emiti omwana ayigire okwo okutambula.
- Omwana bwayiga okuyimirira n'obuyambi, muyigirize okuyimirira yekka.
- Kiyinza okuba ekyangu omwana okuyimirira ku ntebbe okusinga okuva wansi.
- Omwana muyigirize entambula oba enyimirira entufu
- Okusimbula, yetaaga okuteka obuzito ku kugulu okumu nayimusa okulala
- Abaana abasinga/abangi bajja kulwawo okuyiga okutambula bokka.
Bayinza okwetaga ebibayambako ng'engato ez'enjawulo oba emiggo

Ekibuuzo:

**Funa engeri endala
ezenjawulo okuymba mu
okuyimirira n'okutambula.**

Okuyimirira wamu n'okutambula



Ebikolebwa buli lunaku

- Omwana muyigirize okwekolera emirimu
- Okunywa n'okulya:
 - Lekka omwana agezeko okwerisa.
 - Omwana atule busimba yekka ku ntebbe oba akatebbe.
 - Omwana ayinza okwetaga okozesa ekijjiko ekiriko omukonda omunene ogumwanguyira okwata.
- Okukoza kabuyonjo:
 - Nga otwala omwana mu kabuyonjo, muleke agezeko nga nga bwasobola okweyambula n'okweyambaza.
 - Kola ekintu ekiringa enkondo omwana kwayinza okwekwata.
 - Kozesa aka sanduko oba entebbe eyenjawulo omwana mwayinza oktuula

Ekibuuzo:

**Omukono gw'ekijjiko
ogufuula otya omunene,
okusobozesa omwana
ogukwata?**
**(Ekyokuddamu = gusibeko
ekintu)**

**Waliwo engeri endala
okujjako ezo eziragiddwa
wano mu bifananyi,
okusobozesa omwana aliko
obulemu obuva ku bwongo
okukoza kabuyonjo**

Ebikolebwa buli lunaku

Okunywa n'okulya



Okugenda mu kabuyonjo



Okwambala n'okwoza

- Omwana muyigirize okwekolera emirimu gino
- Okwambala:
 - Omwana ayinza okuyiga okwambala nga agalamidde ku ludda.
 - Bwatuula mu nsonda neyesigama ku kisenge kiyambako okwetengerera
 - Omwana mukirize okwekwata ku kintu bwekiba kyetagisa.
- Okwoza:
 - Kubiriza omwanawo okweyoleza.
 - Omwana bwayiga okweyoreza, ayinza okwagala okwekwata ku kintu kimuwe obusobozi.

Ekibuuzo:

**Engeri ki ez'okweyambaza
oba okwoza eziyinza
okuyamba omwana
okwebezawo yekka nga
bwe kisoboka?**

Okwambala n'okwoza


Okwambala



Okwoza



Okwambala



Okwoza



Okuzanya


- Okuzanya kuyamba omwana okula obulungi.
- Kubiriza omwana wo okukozesa emikono gyombi oba okumu.
- Omwana tuyigirize okukwata n'okutta eby'okuzanyisa.
- Omwana tuyigirize okuzanya nga tunudde mu bifo eby'enjawulo.
- Kubiriza abaana abalala okuzanya n'omwana wo.

Ekibuuzo:

**Bifo kki eby'enjawulo
ebirala by'oynza okubiriza
omwana wo kuzannyiramu?**

**(Eby'okuddamu:
Nga atudde, nga
afukamidde oba nga
ayimiridde.)**

Okuzanya



Okwesika

- Yiga okutegeera obubonero obulanga nti omwana wo ayinza okwesika. Obumu kububonero bwe buno; enkyukakyukya mu mbeera z'omwana, omwana okukabakaba oba okulaga okutya.
- Omwana bweyesika, muterezze, naye tomukaka kwekyusa.
 - Bwekiba kyetagisa, omwana mugalamize ku ludda.
 - Toteka kintu kyonna mu kamwa k'omwana.
 - Kyusa omutwe gw'omwana gube ku ludda lumu.
- Genda mu ddwaliro ofune eddagala era ogoberere ebiragiro by'omusawo.
- Omwana ayesise aba takolimiddwa era aba takwatidda mizimu.

Ekibuuzo:

Omwana eyesisse alina
okulabibwa mangu
omusawo. Omanyi Iwaki?

Okwesika



Eneyisa y'omwana

- Omwana wo yetaaga omukwano n'okufibwako. Omwana awulira nti ayagalwa ajja kweyisa bulungi.
- Muwe ebiragiro ebilambulukufu. Tomuwa biragiro bingi.
- Gendera ku mateeka g'otaddewo. Tokyusakyusa.
- Yongera manyi mu neyisa gyoyagala. Kino kikole ng'oberera bino:
 - Omwana muwe akasiimo bwaba akoze kyoyagala. Kino kiyinza okuba eky'okulya oba okumuggwa mu kifuba.
 - Tendereza eneyisa, so si muntu.
- Wesonyiwe eneyisa gyotoyagala.
- Embonereza olumya omubiri teyigiriza neyisa ntufu oba enungi.
- Totulugunya era tokuba mwana.
- Eneyisa gyotayinza kwesonyiwa, gezako “obudde buweddeyo”.
Kino kitegeza okutwala omwana mu kifo w'omulabira naye nga ekifo kino omwana takinyumirwa.

Okubaganya ebirowoozo:

Twogere ku yinza okuva mu kubonereza omwana nga omutusaako obulumi.

Eneyisa y'omwana

Wesonyiwe eneyisa gyo toyagala



Sanyukira eneyisa enungi



Tokuba mwana



Okuyamba abazadde okulabirira abaana babwe abaliko obulemu


- Funa obudde obwo kwelabirira .
- Saba omuntu awaka oba mukwano akuyambe ko okulabirira omwana olwo lumu.
- Tokweka mwana wo. Mutwale ebweru.
- Nonya bazadde abalala abalina omwana ng'owuwo.
- Nonya era ofune obuyambi obwekikugu.
- Yigiriza abaana abalala okuzanya n'okulabirira omwana wo.

Ekibuuzo:

Buzibu ki bwolowooza
bazadde ba baana abalino
obulemu obuva kubwongo
bwebasanga?

Okuyamba abazadde okulabirira abaana babwe abaliko obulemu

Nonya amaka amala agalina omwana
Ng'owuwo



Somesa abaana abalala okuzanya
n'omwana wo



Okugenda ku somero

- Abaana balina okugenda kusomero.
- Yogera n'omwana wo kwekyo kya genda okusanga ku somero.
- Yogera n'omusomesa, owe by'obulamu akola ku kyalo, abakulembeze b'ekyalo basobole okuyamba.
- Saba omusomesa okuyambe mu:
 - Kutuuza omwana ku ntebbe eyo mu maso omusomesa wa mulabira.
 - Okubiriza abaana ablala okuymba omwana ngali ku somero.
 - Okuumma omwana wo aleme okutulugunyizibwa.
- Wa esomero amagezi ku bikwata n'omwana okugenda mu kabuyonjo nebilala ebikwata ku mwana.

Ekibuuzo:

Olowooza kisoboka
omwana wo okugenda ku
somero?

Okugenda ku somero



Ebikolebwa awaka ne ku kyalo

- Leka omwana wo yenyigire mu bikolebwa ku kyalo nga abaana abalala.
- Twala omwana wo mu bifo ebisanyukirwamu wamu ne mu nkungana z'eddini.
- Leka omwana wo azanye an'abaana abalala
- Leka omwana wo ayambeko ku mirimu egy'awaka.
- Laga abantu mu kitundu kyo nti omwana wo wanjawulo era ayagalibwa.

Ekibuuzo:

Omuzadde ayinza atya okuyamba omwana we okuzanya n'abaana abalala?

Ebikolebwa awaka ne ku kyalo



Engeri y'okuyamba omwana wo alina obulemu obuva ku bwongo

Index

- | | |
|----|-----------------------------------------------------------|
| 2 | Ebikwata ku bulemu obuva ku bwongo |
| 4 | Okutegera amangu obulemu obuva ku bwongo |
| 6 | Obuyambi obusokerwako |
| 8 | Empuliziganya |
| 10 | Okulya |
| 12 | Entuula |
| 14 | Okuyimirira n'okutambula |
| 16 | Ebikolebwa buli lunaku |
| 18 | Okwambala n'okwoza |
| 20 | Okuzanyala |
| 22 | Okwesika |
| 24 | Eneyisa y'omwana wo |
| 26 | Okuyamba abazadde okulabirira baana babwe abalina obulemu |
| 28 | Okugenda ku somero |
| 30 | Ebikolebwa awaka ne ku kyalo |

Ekitabo kino kyakolerwa Tanzania ne kitongole kya CCBRT ne CBM wamu nobuyambi obwava mu EU/CBM nga bakoleganira wamu ne APDK, Kenya.
Entekateka eno elubirira okendeeza obulemu , n'okuziyiza ebiva ku bulemu okuyita mu ntegeka ennungi eri abakyala abazaala n'abaana abawere abazalibwa
Wamu n'okumanyisa mu byalo.